# EKIFUNZE KYA MBAYIWA: Walabyeki Magoba.

Walabyeki Magoba y'omu ku bawandiisi b'obutabo bw'olulimi oluganda obuyambye ennyo mu kukulaakulanya oluganda. Awandiise ebitabo omuli engero enjiiye (empanvu), emizannyo awamu n'ebitontome nga bino byonna birina obubaka obwenjawulo bwe butuusa eri omusomi.

**EDDIBA LY'AKATABO**

**Omutwe gw'olugero**

Olugero luno lulina omutwe ogwa 'Mbayiwa' era nga guno gutwoleka engeri abantu ab'enjawulo bwe baali basuubirwa okukola ebintu ebigasa abalala kyokka ne bamaliriza nga babikoze kifuula nnenge.

**Ekifaananyi ku ddiba.**

Eddiba ly'akatabo kuliko ekifaananyi ky'abavubuka babiri (omuwala n'omulenzi) nga balabika ng'abaagalana abava oba abagenda mu cinema, kino kisunirako omusomi ku ebyo ebiri mu lugero.

**Olugero mu bufunze.**

Olugero luno lukwata ku muvubuka eyajjula amalala ng'ayagala okwetambuliza mu bintu eby'ebbeeyi. Omuvubuka ono Mbayiwa buli lwe yakwatanga ku ssente ng'azimalira mu kweraga awamu n'okukyakaza abawala naddala omuwala Ndibassa gwe yayagalanga okusanyusa, n'okumulaga nga bw'alina ssente enkumu/bw'ali binojjo.

Embeera y'okweraga eno yamuleeta okulya amabanja aga bulikaseera ku munywanyi we Ddola okusobola okugula engoye ez'ebbeeyi olwo ayambale atonnye asobole okusikiriza abawala.

Yatuuka n'okulimba nnyina n'amutundisa embuzi ze, ng'amusuubizza okufuna enju gye bapangisa wabula n'akomekkereza ng'aziguzeemu ppikipiki, engoye ez'ebbeeyi awamu n'okuziyiwaayiwa mu kweraga n'okukyakaza Ndibassa.

Ssente zaatuuka neziggwawo era ne ppikipiki n'agitunda. Omuwala gwe yamalirako ensimbi ze yamusiiga obulwadde bw'ekikaba bw'atyo ate n'adda

mu kwejjanjaba. Mu mbeera y’emu ne muganzi we Namusisi yali lubuto era ng’agobeddwa ewa mwannyina.

Ebizibu byeyongera okumwesombera anti yabojjebwa n’omusota nnyina kye yawanuuza nti lyali ddogo okuva ewa Ssenga we Gubula. Yasalawo agende ne nnyina ew’omuganga wabula ebyembi yayongera kufuna bizibu.

Mu mbeera eno kitaawe mweyafiira ne batamuziika nako, yagobwa ku mulimu olw’okugulagajjalira, muganzi we naye yagobwa ku mulimu olw’okugaana okuganzibwa mukamawe Pita. Yagobwa mu nju kale nno ennaku n’atandika okugiyonka obutaaba.

Yakolako ku mirimu gy’okusitula emigugu kyokka nagyo nga tagisobola bw’atyo yakwatagana ne munne Ddola n’amuyigiriza engeri y’okufuna amangu ssente. Baateesa bagende banyage mukama waabwe.

Omupango gwabwe baagugwamu era banne abamu baakubwa amasasi. Mbayiwa yasobola okutoloka kyokka naye era yamala yeesudde mu mugga gw’e Nakivubo bw’atyo n’afa era naye okufaananako kitaawe omulambo gwe tebaagulabako.

**OBUKODYO/OBUKUGU BW’OMUWANDIISI MU LUGERO.**

Obukodyo by’ebintu ebyenjawulo omuwandiisi by’ateeka mu lugero lwe okusobola okusikiriza omusomi we okulusoma awamu n’okulufuula olunyuvu. Obukodyo buno bwongera okutulaga obuyiiya bw’omuwandiisi. Buno wammanga bwe bukodyo Walabyeki Magoba bweyeeyambisa okututuusaako obubaka mu lugero lwe “Mbayiwa”.

- Olugero lwe aluwadde omutwe ogwa “Mbayiwa” ogutuukira obulungi ku ebyo by’awandiika era ogusikiriza omusomi okwagala okutegeera ebiri mu katabo.
- Atusiigidde ekifaananyi ku ddiba eky’omuvubuka atudde wansi ng’akutte ku ttama awamu n’abawala abakyakaze nga bamuyita. Kino kutusunira ku ebyo ebiri mu lugero ate kiyamba omusomi okwefumiitiriza ku by’agenda okusomako.
- Olugero lwe alwawuddemu essuula ez’enjawulo era nga ziri kkumi na munaana (18) ekiyamba omusomi okuwummulamu nga bweyeefumiitiriza ku ebyo by’asomye.

- ⇨ Olugero lwe alutonzeemu omuntu omukulu ng'ono ye Mbayiwa era olugero kwerutambulira kino kiyamba omusomi okugoberera obulungi olugero.
- ⇨ Olugero alutonzeemu abantu ab'ekigero ekiyamba omusomi okutegeera obulungi olugero lwe.
- ⇨ Ebintu by'awandiikako biri mu bulamu obwabulijjo okugeza abavubuka okubeera n'amalala nga Mbayiwa ge yalina. Kino kiyamba omusomi okufuna obubaka obwenjawulo.
- ⇨ Abantu be abatuuma amannya agatuukira ku ebyo bye bakola okugeza Ndibassa eyagattikanga abasajja ab'enjawulo. Ddola, Mbayiwa n'amalala, ekyongera okuggyayo obubaka.
- ⇨ Olugero lwe aluteekamu obunkenke kino kiyamba omusomi okwongera okusoma olugero okutegeera ebyo ebya ddirira. Okugeza Mbayiwa atwala Ndibassa eka kyokka n'asangawo muganzi we Namusisi ku luggi.
- ⇨ Olugero lwe lwakigero ekiyamba abasomi be okulutegeera obulungi awamu n'okufuna obubaka.
- ⇨ Akozesa olulimi olutuukira ku ebyo by'awandikako okugeza olulimi oluwaana nga Mbayiwa lweyakozesa ng'awaana Ndibassa.
- ⇨ Olugero lwe aluteekamu obukuubagano buno buyamba okuleeta obubaka obw'enjawulo eri omusomi we okugeza; Mbayiwa akuubagana n'ab'eŋŋanda ze olw'okumuweerezanga baganda be ku kibuga ate nga tayagala kubeera nabo okugeza Mutema ajja okumukyalira.
- ⇨ Omuwandiisi ateeka obwenkanya mu lugero lwe anti asasula abakoze obulungi kyokka ate era n'abonereza abakoze obubi okugeza Ddola akubwa amasasi. Mbayiwa afuna obulwadde olw'obwenzi.

- ⇨ Olugero lwe aluzimbidde ku miramwa egy'enjawulo kino kiyamba okuleeta obubaka obwenjawulo eri omusomi we okugeza; obubbi, amalala, okusoma n'ebirala.

**<u>EMIRAMWA EGIZIMBIDDWAKO OLUGERO</u>**

Omulamwa eba nsonga nkulu nnyo mu lugero era ng'emalayo buli kitundu ky'olugero. Emiramwa giba mingi mu lugero naye nga gye gattira wamu ku mulamwa omukulu ddala. Gino wammanga gy'emiramwa omuwandiisi gyayisizzaamu obubaka mu lugero lwe;

- ⇨ **Obukozi**; Omuwandiisi atwoleka emirimu egy'enjawulo egikolebwa abantu awamu n'engeri abantu gye beeyisaamu ku mirimu okugeza

Namusisi yali mubazi wa bitabo, yadde nga yali teyabisomerera ne Mbayiwa musajja mukozi.

- ⇨ **Amalala**; luzimbiddwa ku bantu abalina amalala g'ekivubuka era nga baagala nnyo okweraga na ddala ku mirimu gye bakolera ne batuuka n'okuteekawo okuvuganya okugeza Ddola yayiwaayiwanga ssente awamu n'okugula emmotoka esinga eya mukama we. Mbayiwa yeewola ssente asobole okwambala engoye ez'ebbeeyi, n'okukyakaza abawala.
- ⇨ **Ettamiiiro;** Lino lyeyolekera mu lugero anti abavubuka abalimu bettanira nnyo okunywa omwenge mu bifo eby'ebbeeyi, okugeza Mbayiwa ne Ndibassa, banywa omwenge ogususse.
- ⇨ **Obwenzi;** Olugero lujjuddemu ebikolwa eby'obwenzi okugeza Ndibassa aganza abasajja ab'enjawulo, yatuuka n'okulekawo omwami gwazze naye ate n'agenda n'omulala.
- ⇨ **Obumenyi bw'amateeka;** Buno bweyolekedde mu lugero kubanga ddola awamu ne Mbayiwa baatandika omuze ogw'obubbi era bamaliriza bakwatiddwa.
- ⇨ **Ekisa;** omuwandiisi atuzimbidde ekisa mu lugero bw'atulaga Mbayiwa ng'azzeeyo ewaabwe mu kyalo abantu ne bamuleetera ebirabo ebyenjawulo wadde nga ate abamu baalina kye bamusuubiraamu.
- ⇨ **Obwesigwa;** Mu lugero mulimu abantu abayolesa obwesigwa na ddala eri abaagalwa babwe okugeza Namusisi yali mwesigwa nnyo eri Mbayiwa era ne bweyamulaba n'omukyala omulala teyalabankana.

- ⇨ **Omukwano;** Olugero luzimbiddwa ku mukwano ng'abantu aboolesa okwagala eri baganzi baabwe okugeza Namusisi alina omukwano mungi eri Mbayiwa so nga ne Mbayiwa ayagala Ndibassa wadde ng'omukyala ye si byaliko.
- ⇨ **Okweraguza n'obulogo;** Mu lugero mulimu okweraguza era kutuusizza bangi ku buzibu wabula abantu abamu tebakkiririza mu ddogo na ddala abayivu. Okugeza Mbayiwa yasooka obutakkiririza mu ddogo naye era oluvannyuma baamutwala mu ssabo.
- ⇨ **Okusoma;** Mu lugero mulimu abantu abettanira okusoma okugeza Mbayiwa yali muyivu lwakuba ate yalemwa okuddayo okumaliriza emisomo gye olw'okufuna ku ssente.
- ⇨ **Ennaku;** omuwandisi atuzimbidde ennaku mu lugero lwe okwongera okuggyayo obubaka okugeza Namusisi alekwa mu nju nga talina ky'alya ate nga nnyiniyo naye abanja ez'enju.
- ⇨ **Ettemu;** Omuwandisi atwoleka ettemu mu bantu okugeza Ddola ya kubiriza Mbayiwa okutemula mukamaawe olw'okwagala okumuggyako ssente ze wadde ng'olukwe lwabwe lwagwa butaka.

**EBY’OKUYIGA MU LUGERO/OBUBAKA OBULI MU LUGERO**

Eby’okuyiga y’entanda abawandiisi/omuwandiisi gy’asibirira abasomi be okusobola okubafuula ekitonde ekiggya. Ebimu ku by’okuyiga ebiri mu lugero ‘Mbayiwa’ bye bino;

- **Okwewala amalala;** okusobola okubeera obulungi mu nsi okugeza singa Mbayiwa yeewala amalala teyandituuse ku bizibu bye yagwamu ebyamuviirako okufa.
- **Okubeera abakozi;** nga Pita ne banne baali bakozi era baasobola okufuna ebyobugagga.
- **Okwewala obwenzi;** olw’ensonga nti Mbayiwa bwe yagattika abawala yafuna endwadde z’obukaba, era n’essente zaamuggwako.
- **Okufuba okuweerera abaana betuzaala;** okugeza Ziraba yaweerera Mbayiwa ekyamusobozesa okugenda mu kibuga n’afuna omulimu.
- **Okwewala okulimba;** okugeza Mbayiwa bweyalimba nnyina batunde embuzi ze basobole okufuna ssente z’okugula enju yamaliriza zonna zifudde.
- **Okugumiikiriza ebizibu byetuyitamu;** Namusisi yagumiikiriza bba Mbayiwa mu ngeri yonna gye yayitamu eyobutabeera na ssente.
- **Okubeera n’empisa ezoobuntu;** okugeza Nnamusisi yasobola okulabirira awamu n’okwaniriza nnyazaala we ng’amwalira obuliri.
- **Okwewala okweraguza;** Mbayiwa bweyatandika okweraguza yafiirwa omulimu ate ne kitaawe yafa n’omulambo gwe ne gubula oluvannyuma lw’okugenda mu baganga.
- **Okwewala obubbi;** kubanga ekiseera kituuka abantu ne bamanya omuze gwo era ne bakukwata n’ofuna obuzibu okugeza Ddola so yafunanga ssente ze mu bubbi era oluvannyuma yakwatibwa.
- **Okwegendereza abantu be tubeera nabo;** kuba ebiseera ebisinga be batulyamu olukwe okugeza omukuumi wa Mukama wa Mbayiwa ye yalagirira ababbi aw’okuyita okuyingira ewaka.
- **Okukekkereza sente ze tuba tufunye;** okusobola okufuuka abagagga. Singa Mbayiwa teyayiwaayiwa ssente ze mu bawala osanga teyandifunye bizibu bya kuggwebwako ssente.
- **Okwegendereza amagezi agatuweebwa mikwano gyaffe;** kubanga agamu tegabeera malungi okugeza Ddola ayigiriza Mbayiwa amagezi g’okufuna ssente amangu.
- **Okutegeeza bakama baffe/abatukozesa;** singa tubeera tetuusobole kubeera ku mirimu olw’ebizibu eby’enjawulo kubanga tuyinza

okugobebwa. Okugeza Mbayiwa bwe yadda ku mulimu ng'amaze ebbanga nga takola yasanga bataddewo omuntu omulala.

**ENGERI EKIFAANAYI KY'OMUWANDIISI GYE KYEYOLEKERA MU LUGERO.**

Omuntu bw'asoma olugero lwa "Mbayiwa" afuna ekifaananyi ekituufu ku bikwata ku Walabyeki Magoba omuwandiisi waalwo era bino wammanga olugero bye lutuloopera ku muwandiisi waalwo;

- Omuwandiisi musajja mukozi okusinziira ku ngeri gy'azimbamu abantu be mu lugero nga bakozi okugeza Pita akola era n'afuna ssente ezamubezaawo.
- Magoba muyivu era ayagala abantu okwettanira okusoma anti atuzimbira amasomero ag'enjawulo awamu n'abantu abettanira okusoma okugeza Nnamusisi yasoma ne Mbayiwa.
- Amanyi ebyobuwangwa kubanga mu lugero lwe ateekamu eby'obuwangwa bw'Abaganda okusobola okubikulaakulanya okugeza enzijjanjaba y'ekinnansi nga Ndikuno gye yakozesa mu kujjanjaba Mbayiwa ng'abojjeddwa omusota.
- Muzadde okusinziira ku ngeri gy'otuzimbiddemu Mukyala ziraba (Ndikuno) ng'afaayo ku mutabani we n'atuuka n'okutunda embuzi ze ng'amatiziddwa mutabani we era n'amuwa ssente wadde ye yazonoona.
- Alina omukwano okusinziira bw'azimba Namusisi ng'alaga Mbayiwa omukwano newankubadde amusanga n'omuwala omulala era adda n'abeera naye.
- Magoba musajja mugumiikiriza olw'ensonga atonda obugumiikiriza mu lugero lwe naddala mu bantu be b'atonda mu lugero; okugeza, Nnamusisi agumiikiriza Mbayiwa era n'abeera naye wadde nga yali ng'olumu amulaga empisa ensiwuufu.
- Omuwandiisi musajja munyumya okusinziira ku ngeri gy'asengekamu olugero lwe n'engeri gy'azimbamu emiramwa egyenjawulo mu lugero lwe.
- Avumirira omuze gw'obwenzi era tayagala bantu bagwenyigiramu okugeza Mbayiwa bweyegatta ne Ndibassa mu bikolwa by'obukaba yafuna ebirwadde ebyamuswaza ne bamuggyako n'essente mpitirivu.
- Magoba alina eddiini kubanga bw'osoma olugero lwe yalonda amannya g'eddiini nagawa abantu be okugeza Mega (mukwano gwa Ndibassa), Pita, Eva. Ate era Mbayiwa bwe yali agenda okudda ku mulimu yasookera mu Kelezia kusaba basobole okumukkiriza.

- ⇨ Tayagala bintu bya kweraguza anti abantu bonna abeeraguza mu lugero lwe tebalina kye bafunamu era abasinga bakomekkereza bafunye obuzibu okugeza Mbayiwa ne Kitaawe Ziraba baafuna obuzibu.
- ⇨ Musajja mufumbo kubanga atuzimbira abafumbo mu lugero lwe okugeza Ziraba ne Eva Ndikuno baali bafumbo era nga baasobola okulabirira abaana baabwe.
- ⇨ Magoba musajja muganda okusinziira ku ngeri gye yeeyambisaamu olulimi ng'ateekamu ebisoko n'engero ate era ne by'awandiikako by'ebyo ebri mu Buganda okugeza amalala mu bavubuka.
- ⇨ Magoba yakyawa abavubuka abalina amalala naddala abo abasasaanya ensimbi zaabwe nga bagaba abawala babatende nga Mbayiwa bweyakola ng'ali ne Ndibassa.

**EBYOBUWANGWA EBIRI MU LUGERO**

Walabyeki Magoba mukuwandiika olugero lwe ebyobuwangwa teyabibuusa maaso kubanga musajja muganda. Bino by'ebyobuwangwa by'Abawandiikako.

- ⇨ **Enzijjanjaba ey'ekinnansi;** okugeza Mbayiwa bweyabojjebwa omusota nnyina teyamutwala mu ddwaliro wabula yamwejjanjabira n'eddagala ly'ekinnansi.
- ⇨ **Magoba atuwandiikira;** ku mirimu gy'Abaganda egy'obuwangwa okugeza; okulunda embuzi, nga Eva zeyalina, okuvuba n'ebirala.
- ⇨ **Atwoleka obukulu bw'omuliraano;** okugeza Mbayiwa bweyadda ku kyalo baliraanwa ba kitaawe bajja ne bamwaniriza era ne bamutonera n'ebirabo.
- ⇨ **Okweraguza/eddiini ey'ekinnansi;** nayo Magoba agiwandiikako mu lugero lwe okugeza nnyina wa Mbayiwa (Ndikuno) yabatwala ewomusawo n'abalagula era n'abasala n'eddagala.
- ⇨ **Obukulu bwa lubaale;** okugeza Ndikuno bwe baamuwa embuzi ze bwe yali tayagala bba azirye yamugamba nti baali baziwongedde lubaale era teyazirya.
- ⇨ **Empisa y'ekizzaŋŋanda;** eri mu lugero okugeza Ndikuno yagenda n'akyalira mutabani we mu Kibuga era Namusisi n'amulabirira bulungi ddala ng'amufunira awokusula.
- ⇨ **Okukungubaga;** okugeza abantu bajja okukungubagira Ziraba ng'afudde wadde ng'omulambo gwe tegwalabika.
- ⇨ **Olulimi;** olweyolekedde mu lugero okugeza ebisoko n'engero.
- ⇨ **Obufumbo;** okugeza obwa Ndikuno ne Ziraba – era basobola n'okuzaala abaana awamu n'okubalabirira.

- **Obukulu bw'okuzaala;** okugeza nnyina wa Mbayiwa yasanyuka bweyamanya nga Namusisi alina olubuto lwa Mutabani we.
- **Obukulu bw'eŋŋanda mu buwangwa;** okugeza Kitaawe wa Namusisi yamusindika ewa mukulu we Ssaamu gy'aba abeera era yatuuka n'okumufunira omusajja wadde Namusisi yamugaana.

**OBULAMU OBWABULIJJO MU LUGERO**

Ebyo ebiri mu lugero bifaananira ddala n'ebyo ebiri mu bulamu mwe tuwangaalira era obulamu bwa bulijjo bweyolekera mu lugero mu ngeri zino;

- **Mu lugero mulimu obwenzi;** ate nga ne mu bulamu obwabulijjo abantu bettanira obwenzi, okugeza Ndibassa ne Mbayiwa bettanira obwenzi.
- **Obukopi obweyolekera mu lugero;** ne mu bulamu obwabulijjo abantu abakopi mwebali; okugeza Ziraba (Kitaawe wa Mbayiwa) musajja mukpi alemwa okwegulira ekikanzu n'ayambala boodingi ya mukyala we.
- **Obukozi obuli mu lugero;** n'ensangi zino abantu bettanira okukola emirimu egy'enjawulo okugeza Pita musajja mukozi ate ne Namusisi mubazi wa bitabo.
- **Okulowooleza mu ddogo okweyolekera mu lugero;** n'ensangi zino bwe guli okugeza Eva Ndikuno yalowooza nti Guluma yali abaloga.
- **Obubbi obuli mu lugero;** ne mu bulamu obwabulijjo mulimu abantu ababba okugeza Ddola ne basajja be bakola gwa bwa kkondo.
- **Okulyazamanyizibwa;** okugeza bannanyini masomero balyazamaanya abasomesa ate ne mu bulamu obwa bulijjo bwe kiri.
- **Ettamiiro;** eriri mu lugero n'ensangi zino ettamiiro lingi mu bantu okugeza Ziraba yettanira okunywa omwenge n'alemwa n'okwekolera.
- **Obutabanguko mu maka obuli mu lugero;** n'ensangi zino bufumbekedde mu bantu okugeza Ziraba yatulugunyanga mukyala we. (Ndikuno).
- **Okwettanira abasawo b'ekinnaansi okusobola okuvvunuka ebizibu;** n'ensangi zino abantu baddukira mu basawo okugeza Ndikuno atwala Mbayiwa ew'omusawo asobole okufuna emikisa.
- **Olukujjukujju mu bantu;** okugeza Mbayiwa asalira nnyina olukujjukujju n'amutunza embuzi ze nti bagule enju ku kibuga kino kyeyolekedde ne mu bulamu obwabulijjo.
- **Okusoma okuli mu lugero;** kufaanaganira ddala n'okwo okuli mu bulamu bwe tuwangaaliramu okugeza Namusisi yettanira okusoma era ne Mbayiwa yasoma n'amalako ekibiina ekyokuna.

- **Amalala n'okweraga mu bantu;** okugeza Mbayiwa afuba okugula engoye ez'ebbeeyi asobole okweraga, abawala bamuyite ow'ebbeeyi nga kino kiri ne mu bulamu obwabulijjo.
- **Omuze ogw'okwewola ogulabikira mu lugero;** ne mu bulamu bwaffe obwa bulijjo abantu beewola okugeza Mbayiwa yeewola ssente ku Ddola asobole okusanyusa abawala.
- **Amasanyu awamu n'okwettanira okukyakala mu bavubuka;** okweyolekera mu lugero ne mu bulamu obwabulijjo bwe guli okugeza Mbayiwa yakyakazanga abawala ng'abatwala mu cinema ate ne Ndibassa naye mukyala mukyakaze.
- **Obuggya mu bantu;** okugeza bakama ba Ddola ne Mbayiwa baababakwatirwanga obuggya olw'okugula ebidduka ebipya ate nga n'ensangi zino abantu balina obuggya ku bannaabwe.
- **Obupangisa mu bantu; okugeza** Mbayiwa apangisa enju mu kibuga ate nga n'ensangi zino abantu abasinga mu kibuga bapangisa enju.
- **Obukyafu n'obuligo;** obweyolekera mu lugero ne mu bulamu obwa bulijjo abantu bakyafu okugeza Mbayiwa musajja mukyafu tayagala kulongoosa w'abeera.
- **Endwadde z'obukaba;** ezeyolekera mu bantu mu lugero ne mu bulamu obwabulijjo abantu bazirina okugeza Ndibassa asiiga Mbayiwa obulwadde ekimuviirako okumwetamwa.
- **Obulimba obuli mu lugero;** n'ensangi zino abantu balimba okugeza Mbayiwa alimba Ndibassa nti enju ye yali agiwaddemu muganda we eyali agenda okuwasa.

**ENNEEYISA Y'ABAVUBUKA MU LUGERO (ENZIMBA YAABWE).**

Olugero luno 'Mbayiwa' lwesigamye nnyo ku bulamu bw'omuvubuka era abavubuka omuwandiisi batuleetera mu lugero mulimu; Mbayiwa, Ndibassa, Nnamusisi, Nkoligo, Mega, Pita, Ddola n'abalala era abatuzimbidde bw'ati;

- **Bakozi**; Pita musajja mukozi era mu bukozi bwe yafuna ebintu bingi ate n'awa n'abalala emirimu okugeza Nnamusisi.
- **Bayonjo**; okugeza Nnamusisi mukyala muyonjo era yafubanga okuyonja Mbayiwa buli lweyagendanga okumukyalira.
- **Bayivu**; okugeza Mbayiwa yasoma n'atuuka mu kibiina ekyokuna wadde nga teyaddayo kwongera ku misomo gye.
- **Baagala amasanyu**; okugeza Mbayiwa yagendanga ne Ndibassa mu cinema awamu n'okwekyakazaamu buli lwe yafunanga sente.

- **Bazimbiddwa nga bagumiikiriza**; okugeza Nnamusisi yagumiikiriza Mbayiwa era teyafuna magezi gadda waabwe newankubadde Mbayiwa yali amulese mu nju.
- **Abavubuka abamu bazimba bannaabwe**; nga babawa amagezi amalungi okugeza Nnamusisi yagamba Mbayiwa basonde ssente bagule Entebbe mu nju era ne batandika okutereka ssente.
- **Balina empisa ezoobuntu**; okugeza Nnamusisi muwala wampisa era yasobola okwaniriza nnyazaala we awamu n'okubabudaabuda.
- **Ssi beesigwa**; okugeza Mbayiwa munne amuteresa ssente ez'okugula Entebbe kyokka ye aziggyayo n'azikyakazaamu abawala.
- **Babbi**; okugeza Ddola yeekobaana n'agasajja awamu ne Mbayiwa ne bagenda babba mukama waabwe.
- **Beerazi**; okugeza Ddola ne Mbayiwa bagula engoye ez'ebbeeyi basobole okweragira ku bannaabwe eri ku mulimu gye bakola.

**ENZIMBA Y'ABAKYALA MU LUGERO**

Walabyeki Magoba mu kuwandiika olugero lwe luno abakyala teyabasuula muguluka anti atwoleka enneeyisa yaabwe. Abakyala abali mu lugero be bano; Ndibassa, Eva Ndikuno, Nnamusisi, Mega, Guluma era omuwandiisi abazimbye bwati;

- **Abazimbye nga bambazi;** okugeza Ndibassa mukyala mwambazi ekiviirako ne Mbayiwa okumwegomba okuviira ddala ku lunaku olusooka.
- **Bakozi;** okugeza Ndibassa alina omulimu gwe yakolanga kyokka nga ne Nnamusisi naye mukyala mukozi.
- **Bagezigezi;** okugeza Ndikuno asalira bba amagezi aleme kulya mbuzi ze bwe yamugamba nga bwe baali baziwongedde lubaale Mukasa.
- **Bagumiikiriza;** okugeza Ndikuno agumiikiriza Ziraba wadde nga yamutimpulanga naye era teyanoba kulekawo baana be.
- **Bakyakaze;** okugeza Ndibassa agenda n'abasajja mu cinema awamu ne mu wooteeri okwekyakazaamu.
- **Batulugunyizibwa;** okugeza Ndikuno yatulugunyizibwanga bba ate era nga tamuwa na bintu byakukozesa awaka.
- **Baagala okusoma;** okugeza Nnamusisi yafuba n'asoma wadde nga byali tebitambula bulungi era yawaliriza n'atuuka mu kibiina ekyokusatu.
- **Bawa amagezi agazimba ba bbaabwe;** okugeza Nnamusisi agamba Mbayiwa bakuŋŋanye ssente basobole okugula Entebbe.

- ⇨ **Balina omukwano;** okugeza Nnamusisi alaga Mbayiwa omukwano ng'amulabirira awamu n'okumuyonjeza awaka.
- ⇨ **Basonyiwa;** okugeza Nnamusisi asonyiwa Mbayiwa newankubadde ng'amusanga n'omuwala omulala naye era amuddiramu.
- ⇨ **Bamanyi okukola emirimu gy'awaka;** okugeza Nnamusisi bw'agenda ewa mwannyina amukolera emirimu gyonna naye n'amusiima.
- ⇨ **Bayiiya;** okugeza Nnamusisi ayiiyiza Mbayiwa ka caayi akaliko lumonde omwokye ekintu ekyasanyusa ennyo Mbayiwa.
- ⇨ **Balaga ebintu by'okweraguza;** okugeza Ndikuno atwala Mbayiwa ne baganda be ew'omusawo ow'ekinnansi abasale eddagala.
- ⇨ **Balogo;** anti kigambibwa nti Guluma yali aloga abaana ba mwannyina era yeyaviirako ne mwannyina okufa.
- ⇨ **Baagala okweraga;** okugeza Ndibassa ne Mega bwe baagenda mu kirabo ky'emmerebe natandika okweragira ku kagitunda.